**P360/3**
**LUGANDA**
**PAPER 3**
**AUGUST 2019**
**3 HOURS**

**JINJA JOINT EXAMINATIONS BAORD**

**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**

**LUGANDA**

**AUGUST 2019**

**LITULICA W'OLUGANDA**

**OLUPAPPULA OLWOKUSATU**

**ESSAAWA SSATU**

**EBIGOBERERWA:**

- Olupappula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A, B ne C.
- Mu kitundu A kolamu ekibuuzo kimu.
- Mu kitundu B kolamu ebibuuzo bibiri (2), ekimu okuva mu puloozi, n'ekirala kimu okuva mu bitontome.
- Mu kitundu C kolamu ekibuuzo kimu.

## EKITUNDU A

**Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 1, 2, 3 oba 4.**

**M.B NSIMBI: BWALI BUTAMANYA:**

**1.** (a) Nnyonnyola ebintu eby'enjawulo omuntu eyettanira okusomesa omwana by'ayiga mu ssuula **"Ntwalibwa mu Kabubbu Primary School"** ne **"Nnyingira mu Mirembe Primary School".** (obubonero 15)

(b) Amasomero M.B Nsimbi g'ayogerako mu "**Bwali Butamanya"** gafaanana gatya n'amasomero ge nnaku zino mu Uganda? (obubonero 10)

**2.** "Ssali okoze ekivve… Olw'okubanga nasobya ng'oli mu kkomera, so nga ggwe oyenda n'okusinga embwa, kimanye nga togenda kuddayo kufuna mukazi mulala".

i. Omwogezi w'ebigambo ebyo yava ku ki okubyogera? (obubonero 07)

ii. Omuwandiisi Ssali amuzimbye atya okumutulaga nti yali mukozi wa bivve (obubonero 10)

iii. Biki ebiddiririra mu bufunze okutuusa essuula eyo lw'eggwaako (obubonero 08)

**E.K.N KAWERE: ZINUNULA OMUNAKU**

**3.** Obukugu bwa Kawere mu kuyiiya n'okuwandiika Zinunula Omunaku bulagiddwa butya mu lugero luno? (obubonero 25)

**4.** Ebigambo bisirikitu ddala ebyawamba ne bisimba amakanda era ne bitebenkera mu mmeeme yange nga biva mu ebyo jjajjange bye yannombojjera ebyaliwo mu kuzaalibwa kwange?

(a) Omunyumya yazaalibwa mu mbeera ki? (obubonero 10)

(b) Lwaki omunyumya anyumya bw'atyo? (obubonero 05)

(c) By'anyumya biyamba bitya omuwandiisi okutuzimbira olugero? (obubonero 10)

## EKITUNDU B

## PPULOOZI

**5.** ***Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako***

AbAalugera nti ebirwa bikyuka amalusu gafuuka engeregeze, ddala baalutuusa. Kale kaakano laba nze eyalina amaka agabuguma newankubadde Ssaali nnigi, kati nninga gwe bagamba kaamuje era ddala nnamutinda. Enkerembe zange yazigabana dda ne Nambejja Ssenkaaba n'amwezza, enkoba z'omubiri zonna zireegulukuse, ennyindo zitadde n'amagumba gakubagana nga bbunwe w'omukkovu. Ntuula era nsituka nkekejjana bukekejjanyi n'amagulu mwatu nsejjesa asatu.

Ekyenyi emiziziko gikyefuze gikirako egy'ensaamu esaaka n'enviri nazo gy'obeera nti wamma buyira bwa jjobyo! Bw'ontunuulira enkuba yaabwe so nga ate bwe mba ndya mbulako katono okufaananira ddala lye bagereesa (ekkovu) eririya akatiko. Kati ndi nkabaggwa, nkanduse, nnyaaluse era nkaddiye.

Musajjawo eyali nga Ssettaala mu lutobazzi kati mmendabenda bubenzibenzi n'omugongo gulinga muyini gwa nkumbi. Amaaso gazzeeko ebiranda n'agekiriga gadda ku bbali era ntunula buzeezengere.
Eyali kabirinnage, nzenna ncucuse n'omubiri. Owa anti ataakulaba…!
Ddala kakulu asomba

Bwemba neesumaalise, neewunise mu gombolola w'ennyumba yange n'okuwuuma ng'ewuuma, era nga neetoziirira ku ntidi yange sirina ankumaakuma yadde ambudaabuda, ebirowoozo binneesomba. Emmeeme yange erwejjemba n'etolontokera eyo ekkuzimu mu bunyomero bw'ebisegguusi by'ebiseera ebigenda bizigama n'okuzimirira. Ntera okwewuunya nga n'okwebuuza kwe ntadde, ekyandesa awo omulimu gwe nnasomerera ogw'eddembe ate nga n'omukemba tegwali gwa lusuluuju oba culuculu male nneesogge guno ogwa leebuleebu ne wenjuwenju ogw'obwa mbega. Omulimu ogwanjaya omubiri, embavu n'ebirowoozo okutuusa jjo luno lwe ngunnyuse nga ngukulunguliddemu ddala emyaka asatu be ddu.

Simanyi oba yali kaabuvubuka ye yali ampaga oba kwali kwagala kuwoolera ggwanga ku baatugumbulira Fiida mu maanyi bye byandobera okusooka okukengeera n'okulengera ekizikiza ne kateketwe ebyali byekiise gye nnali ngenda okwetubitika! Sso nno ng'ekkwano lyaffe, ettinkizo byali bizzeemu enkenyera era nga bitandise okusebbuuka n'okuseerera Fiida amale atuve ku maaso, ng'entabwe esibuka ku mukukku gw'ebbaluwa gye yali ankulubulidde

Wabula ndowooza nti oboolyawo nga zaali mboozi za kasooba n'obugambo bwe yatunwenwekanga nga tuli bato ng'asavuwaza obulungi n'emiganyulo ebyali mu bwambega. Ebyo bye byafuuka omubumbirano okwatonderwa obwa mbega mu bulikondo bw'emmeeme yange. Ebyagwawo byatengula na kubennaya bubennanya ekyali kigoneredde muli era byakwata ku mmanduso ng'ekintu kyedoma nga mbwetutubika

***(Kisimbuddwa mu Omuzimu gwa Kasooba aka E.K.N Kawere)***

**EBIBUUZO:**

***a)*** Nnyonnyola ku lulimi omuwandiisi lwe yeeyambisa okusobola okutuusa obubaka ku basomi be (obubonero 08)

***b)*** Bukodyo ki omunyumya bw'akozesezza okusendasenda omusomi okumunakuwalirako (obubonero 08)

***c)*** Omunyumya azimbiddwa atyamu kitundu kino (obubonero 06)

***d)*** Bino wammanga birina makulu ki okusinziira ku kitundu ky'osomye?

i. Enkerembe zange ensi yazigabana dda

ii. Nambejja Ssenkaaba n'amwezza (obubonero 03)

## EBITONTOME

**6.** Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6, 7, 8 oba 9

**F.M MASAGAZI: MPAAWO KITAKYA**
**OMUZADDE KATONDA W'OKUNSI**

Nzijjukira maama waffe by'alafuubanye nabyo tube kye tuli. Ate n'oluyimba olwannyumira ennyo ku muzadde

***1.*** Omwana bw'okula, weebaza omuzadde
Omuwala bw'owaswa, ng'oddiza abazadde
Omusajja ow'amaka, jjukira abazadde
Alina ebisenke, tonyooma yazaala
Ne bwe baba bakadde, baddize ku byabwe
Eggulu libanja, oyagale omuzadde
Buli kyonna ky'oli, muzadde ye yali oyo!

***2.*** Kati laba oli musajja, omusajja mu maka
Kati oyitwa na maama, maama w'abato
Singa teyali muzadde, tewandibadde bw'otyo
Omuzadde ye yateesa, otuuke obe maama
Ye yanywa makaayi,
Luleeba lw'olutimpa,
Lubuto n'alutenga,
Amakiro n'obusobe,
Byonna n'abiganga
Omwana we akule
Weebaze era siima, okufaayo kw'omuzadde

***3.*** Kati weemanyi obukyala, kuba ggwe mukyala,
Kati oli na mukyala, n'omusajja mu maka!
Singa teyali muzadde, tewandikyalawadde
Maama ye yateesa, ofuuke nga bw'oli
Mulimi gwa muzadde, ogwakuwa oluwenda
Empisa z'amaka,
Gattako ez'ekikyala
Okufuuka amusuutwa,
Mu maka g'omusajja,

*@ 2019 Jinja Joint Examinations Board* 

Bazadde b'omusajja
Nabo bakutenda,
Osaana kuddiza omuzadde, eyatema oluwenda!

***4.*** kati oli musajja, mu maka amasajja
Abaana bo ozadde, olw'okuba omusajja
Singa teyalwana, okkukuza ng'omusajja
Wandirabye okuboolwa abaagala abasajja
Kati lwaki tomuweera?

***5.*** Nga yafuba akutuuse,
Omusajja mu basajja,
Tolina wadde anyooma,
Nti toli mu basajja!
Otambula masajja
Ovaayo mu basajja
Weeyise kisajja
Kubanga oli musajja
Ggwe gira omusiime, kuba ye yalwana!

***6.*** Omusente olina, kuba ggwe wayiiya
Bakuyita na mulodi, olw'okuweza omusente
Naye jjukira eyazaala, n'omukisa gwe nno
Olweza lwe yanaaza, gwe mukisa gw'ebisente
N'asaba Katonda
N'emizimu abalongo,
N'akuwonya ebitta,
Obeerewo bulungi
Ku ssomero atutte,
Otandike obuyiiya,
Bye wasoma ebingi,
Kwe kuvudde omusente,
Gwe muddize omusiime, yakuwa omusingi!

***7.*** Mu bakadde bwabwe, baddize obayambe
Tobajuza byansi, anti ggwe muzadde kati
Mu bulwadde bwabwe, kabube bubwo
Akanyama n'ekyenda, bakalye basiime
Ekikunta obabikke, nga bwe baakubikka
Abaana bo abazaale, baweereze e bujjajja
Bazannye, bayimbe, ekibeenyiya ensi eno
Kye baakola ng'okyali, okibaddize kati ggwe!

***8.*** Bw'olikola amatendo, ng'eggulu olituuse
Eggulu mu kusooka, libeera mu bazadde
Ekisa ky'obawadde, nga Katonda akuweera
Ettima ly'obawadde, ne Katonda omunyiiza
Kaakati tukole nnyo, tusanyuse abazadde
Eggulu litutuuku, kuba tubawadde
Katonda atubeere, n'abazadde baffe

**EBIBUUZO:**

***a.*** Nnyonnyola ku ngeri omuwandiisi gy'azimbyemu ekitontome kye? (obubonero 07)

***b.*** Obukulu bw'omuzadde omuwandiisi bwatenda bwe buluwa? (obubonero 06)

***c.*** Abazaaliibwa kiki ky'abeetaaza? (obubonero 06)

***d.*** Laga engeri omuwandiisi gy'atutuusaamu ku sitanza esembayo (obubonero 06)

**7.** Nnyonnyola embeera eyeeralikiriza Masagazi n'atuuka n'okukyogerako nti "Mpaawo kitakya" mu katabo ke (obubonero 25)

**8. OKOT P BITEK: OMULANGA GWA LAWINO**
**(Kyakyusibwa Abasi Kiyimba)**

***Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako***

**AMAZINA G'ABAGWIRA NZE SIGAMANYI**

Nze muwulidde neegaana?
Amazina g'abagwira sigamanyi.
Ennyambala yaabwe, nayo sigimanyi
Emizannyo gye bazannya sigisobola;
Amazina ge mmanyi
Era ge nneenyumirizaamu
Ge mazina g'abantu bange.

Mpulira mbu
Abazungu balina amazina
Ge bayita Rumba,
Mbe ate waliyo ne Samba,
Naye nze gonna sigamanyi
Era sigeegomba.
Bwe nnali omuto,
Maama yansomesa
Amazina agaffe ag'Abacholi,
Nkuze okutuuka gye ndi kati
Sinnalabayo gagenkana bulungi.
Ye mmwe temwandabanga
Nga zina gali ge bayita Oraka?
Mwalabanga waliwo ampunyamu?

Engoma olutandika okusindogoma,
N’olaba ebijuujulu by’abawala
Bwe byetala ne bimalayo embuga,
Ne byebuga ne bisiikuula enfuufu.
Mwenna muzina n’amaanyi
Nga temwemotyamotya
Nga mweyagala
Nga bwe musomooza ababeetolodde
N’olyoka olaba Abalenzi bwe baasama
Ne bakanula amaaso
N’okubamyuka ne gabamyuka
Omuntu okumanyika mu kitundu,
Yatandikiranga ku mazina gano,
Bwe wabanga ozina, nga bakusongamu
“Oyo muwala wa gundi”
“Oyo mutabani wa gundi”
Awo we wategeererwanga
Nti oli mwana wa boobwe;

Abaana ba boobwo
Baaziniranga mu mbuga yaabwe,
N’abaddu n’abazaana
Nabo nga balina eyaabwe

Twazinanga kweyagala, nga tucakala
Nga bwe tuyimba obuyimba amakulu
Obusoomooza, obujerega
Obuwaana abaagalwa
Obukaabira emikwano egyafa,
N’obulombojja ebbula ly’esente.
Obuyimba obumu
Bwabangako be bunyigiriza,
Naye ekyo nga tekitulobera kubuyimba

Mu mbuga y'amazina
Nga temuyingirwa atamidde,
Omuvubuka omu bwe yakoonanga munne
Nga gwe bakoonye yeesasuza
Mu mbuga muno,
Omusajja mwe yalagiranga obusajja bwe
Ate bwe gwatuukanga ku ffe abawala
Ng'akukoona omuddiza mbagirawo
K'abe mulenzi k'abe muwala
Wabula kyabanga kivve
Okukuba omusajja ku busajja bwe

Ku ludda olwaffe olw'abawala
Amazina gano gaabanga musunsula
Omuwala eyalemwanga okuzina
Ng'abasajja bamanya
Nti anaaba mukazi wa bizibu
Ekiwato kye kiri nga lubaawo,
Era nga bamwesamba;
Tajja kusobola mirimu mitongole,
Wadde emitono egitandikirwako,
Ng'egy'okusa omuwemba ogwa kabiri

**EBIBUUZO:**

***a.*** Obukugu bw'omuwandiisi buggiddwayo butya mu kitundu kino (obubonero 06)

***b.*** Obukulu bw'amazina g'Abacholi bulagiddwa butya? (obubonero 03)

***c.*** Nnyonnyola ku bifaananyi omuwandiisi by'atukubidde mu kitundu kino (obubonero 06)

***d.*** Olukusa lw'omuwandiisi lulagiddwa lutya? (obubonero 06)

***e.*** Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino: (obubonero 04)

i. Okusindogoma:
ii. Temwemotyamotya:
iii. Tekitulobera:
iv. Musunsula:

**9.** Nnyonnyola emiramwa emikulu ebitontome mu "Mulanga gwa Lawino" kwe bizimbiddwa (obubonero 25)

## EKITUNDU C

***Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 10, 11, 12 oba 13***

### WYCLIEFFE KIYINGI: LOZIO BBA SSESIRIA

**10.** " Musawo leka kudda mu kunyumya bunyumya. Nze omwana wange mmukwagaliza. (Lunninze aseka) Ee omutwale mu maka ag'omu kyalo olowooza tagagyamu-talabika bulungi?

***a.*** Musawo anyumya biki ebyo ebimuvunaanisa? (obubonero 04)

***b.*** Kituufu omwogezi okwagaliza Lunninze omwana we? Kubaganya ebirowoozo. (obubonero 13)

***c.*** Nnyonnyola ku nzimba y'omwogezi mu muzannyo (obubonero 08)

**11.** Omuzannyo "Lozio Bba Ssesiria" gwoleka amagezi ag'enjawulo abantu ge basala okufuna bye beetaaga. Ttaanya (obubonero 25)

### ELLY NATHAN KYEYUNE: Bemba Musota.

**12.**" Owakamwake y'akagerera ennonga". Ddala singa Bemba yali yeekutte ku lugero teyandibadde wabi. Kubaganya ebirowoozo. (obubonero 25)

**13.**"Abafuzi bangi gye bafa benkana, nnyaabwe y'omu." Lambulula bulungi obutuufu bw'endowooza eyo ng'obyesigamya ku ebyo ebyeyolekera mu "Bemba musota"